



مطبعی لاش (Luganda)

# OMULAAMBO GW' OMWAANA



Shaykh-e-Tariqat Amir-e-Ahl-e-Sunnat ng'ono ye  
mutandisi wa Dawlat-e-Islami Allamah Maulana Abu Bala

**MUHAMMAD ILYAS**  
Attar Qadiri Razavi رحمۃ اللہ علیہ



مُنَّے کی لاش

Munnay ki lash

# Omulaambo gw'omwaana

Ekitababo kino kyawandiikibwa mu lulimi olu Urdu Shaykh-e-Tariqat Amiir-e-Ahl-e-Sunnat, ng'ono ye mutandisi wa Dawat-e-Islami Allamah Maulaana Abu Bila Muhammad Ilyas Attar Qadiri Razavi دَاعَتْ بَرَكَاتُهُ الْعَالِيَه. Olukiiko oluvunaanyizibwa ku mulimu gwokuvvunula nalwo lusazeewo okukivvunula mu lulimi oluganda. Bw'osangamu ensobi yonna mukuvvunula, tegeeza olukiiko kundagiro eno wammanga n'ekigendererwa ekyokufuna empeera.

## Majlis-e-Tarājim (Dawat-e-Islami)

Aalami Madani Markaz, Faizan-e-Madinah, Mahallah Saudagran,  
Purani Sabzi Mandi, Bab-ul-Madinah, Karachi, Pakistan

UAN: ☎ +92-21-111-25-26-92 – Ext. 1262

Email: ✉ translation@dawateislami.net

الْحَمْدُ لِلَّهِ رَبِّ الْعَالَمِينَ وَالصَّلَاةُ وَالسَّلَامُ عَلَى سَيِّدِ الْمُرْسَلِينَ  
أَمَّا بَعْدُ فَأَعُوذُ بِاللَّهِ مِنَ الشَّيْطَانِ الرَّجِيمِ بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

## E Duwa Y'okusoma Ekitabo

Soma e Duwa eno nga tonnatandika kusoma kitabo kyonna eky'eddiini oba omusomo gwonna ogw'eddiini. Kino kijja kukusobozesa okujjukira byonna byosomye:

اللَّهُمَّ افْتَحْ عَلَيْنَا حِكْمَتَكَ وَأَنْشُرْ  
عَلَيْنَا رَحْمَتَكَ يَا ذَا الْجَلَالِ وَالْإِكْرَامِ

### Okuvvunula

Ayi Allah عَزَّوَجَلَّ owekitiibwa, Tuggulirewo olujji l'wokumanya n'okutegeera, era obe n'ekisa wamu nokusaasira gyetuli. Mazimaddala Ggwe asinga ekitiibwa, era wasukkuluma.

*(Al-Mustatraf, vol. 1, pp. 40)*

**N.B:** Saalira Nabbi ﷺ nga tonnasoma Duwa eyo, n'era nga ojimalirizza.

## Transliteration Chart

ء	A/a	ژ	Ř/ř	ل	L/l
ا	A/a	ز	Z/z	م	M/m
ب	B/b	ژ	X/x	ن	N/n
پ	P/p	س	S/s	و	V/v,
ت	T/t	ش	Sh/sh		W/w
ٹ	Ĥ/ĥ	ص	Ş/ş	ه/ه/ة	Ĥ/ĥ
ث	Š/š	ض	Đ/đ	ی	Y/y
ج	J/j	ط	Ṭ/ṭ	ے	Y/y
چ	Ch	ظ	Ẓ/ẓ	َ	A/a
ح	Ḥ/ḥ	ع	‘	ُ	U/u
خ	Kh/kh	غ	Gh/gh	ِ	I/i
د	D/d	ف	F/f	و مدّه	Ū/ū
ڈ	Ḍ/ḍ	ق	Q/q	ی مدّه	Ī/ī
ذ	Ẓ/ẓ	ك	K/k	ا مدّه	Ā/ā
ر	R/r	گ	G/g		

## Olukalala lw'ebyogerwaakwo:

<b>Omulaambo gw'omwaana</b> .....	i
<b>Transliteration Chart</b> .....	iii
Obulungi bwa Şalât-'Alan-Nabî ﷺ .....	1
Karāmaḥ (Ebyewuunyisa) 7 ebikwaata ku butoo bwe:.....	3
Karāmaḥ kye ki?.....	5
Ghaus-ul-A'zam عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ الْأَكْرَمُ ajjawo ensiimbu:.....	5
Ensiimbu kika kya Jinni:.....	6
Endagiriro y'okutaangira abaana ensiimbu: .....	6
Oluzzi lwa Ghaus-ul-A'zam عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ الْأَكْرَمُ .....	6
Abagole aba bbikira mu mazzi gomugga.....	7
Omuntu ayinza okuzuukiza omufu?.....	9
Okulaba kwo'munasayaansi.....	10
Ekibonerezo eri omutemu .....	11
Okwelooterera emirundi 70 .....	13
Ebigambo bya Ghaus-ul-A'zam عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ الْأَكْرَمُ .....	14
Karāmaḥ ey'enjawulo:.....	15
Yataasibwa ebibonerezo by'omuntaana (Kaburi) .....	16
Ebiwoobe eby'omufu.....	17

الْحَمْدُ لِلَّهِ رَبِّ الْعَالَمِينَ وَالصَّلَاةُ وَالسَّلَامُ عَلَى سَيِّدِ الْمُرْسَلِينَ  
أَمَّا بَعْدُ فَأَعُوذُ بِاللَّهِ مِنَ الشَّيْطَانِ الرَّجِيمِ بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

## Omulaambo gw'omwaana

Ne wankubadde Shaytan ekuteeka okuwulira obugayaavu, soma akatabo kano konna mu bujjuvu. Okwagala kwo eri Ghauš-ul-A'zam عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ الْكَرِيمِ kujja kweyoongera nnyo

### Obulungi bwa Ṣalāt-‘Alan-Nabī ﷺ

Nabbi w'abantu bonna, omutebeenkeza w'emitima gyaffe n'e myoyo, omugabi ennyo era owekisa, صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ yagamba 'Okumala ebbanga omukkiriza lwansaalira (Salawaat ala Nabbi), ba malayika bagenda maaso oku musindikira emikisa gyaali. Kati, deembe ly'oyo omuntu oba ansaalira nnyo oba katono.'

(Sunan Ibn Mājah, pp. 490, vol. 1, Hadīš. 907)

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

Omukyaala eyebikiridde nga aleze omwaana we mu kifuba yayimiria nga akaaba mu kigo (Darbar). Omwaana yaseembera eri omukyaala ono n'amubuuza ekimukaabya. Omukyaala yadamu, 'Mutabani! Balo yava kungsi kuno n'okwagala okufuna omwaana nga ndilubuto. Ye mwaana wa ttaata we yekka era nga yekka gweninna mubulamu. Yali yakalwaala kati mmuleese mu kigo afune okuwonyezebwa, naye yafiiridde mu kkubo.

Omulaambo gw'omwaana

Sinaki, nze nzize wano nga nnina esuubi lingi, kubanga manyi nti Wali (Mukwaano gwa Allah, omuloongoofu) ow'ekigo kino ali kuumpi nnyo ne Allah ate era buli kimu kisoboka kulw'ookutunula kwe okwemikisa, naye omuloongoofu andagidde okubeera omugumiikiriza era ageenze munda.'

Nga amaze okwogera bino, omukyaala yataandika oku kuba ebiwoobe neera, omutima gw'omwaana gwa goonda era nayogera ebigambo bino ebyemikisa. "Omwaana wo si mufu, akyaali mulamu. Laba! Asa.' Awatali kulindirira omukyaala omunakuwavu ya seetula ekikunta okuva ku mulaambo gw'omwaana we era mukwewuunya, yasaanga nti omwaana mulamu era nga azanyisa engalo ze n'ebigere bye. Mu kaseera ako, Wali ow'ekigo kino yafuluma, nga amaze okujulira nti omwaana mulamu, yategeera kiki ekyaali kibaddewo. Wali oyo ya kwaata omuggo gwe na seembera eri omwaana na gaamba. 'Otandise okubikula ebyaama ebya wandikibwa ekalamu entukuvu.'

Omwaana yadduka nga ayolekera amalaalo era omuloongoofu omukadde nga amugoba emabega we. Nga ayingidde amalaalo, omwaana ya woganna,"Abaange mwe abantu b'amalaalo! Munyaambe.' Omulongoofu we yatuuka wo, yewuunya nnyo okulaba nti emirambo 300 jifulumye muntaana nga gyetolodde omwaana eyali ayimiridde n'akamweenyo mweenyo ku kyenye kye ekitaangaavu. Omuloongoofu yatunula eri omwaana n'ennaku enyingi nagaamba, 'Mutabani! Si yiinza kutuuka ku ddaala lyo n'olweekyo newaddeyo gyooli kulwo kwaagala kwo.'

Aboluganda abasiraamu! Mu manyi omwaana ono yaani? Erinya ly'omwaana yali 'Abdul Qādir رضى الله تعالى عنه' eya mala nayatiikirira

n'erinnya erya Ghauš-ul-A'zam عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ الْأَكْرَمِ era omuloongoofu oyo yali jajaa we ku luda lwa nnyina, Sayyidunā ‘Abdullāh Sawma’ī رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَنْهُ. (*Al-Haqāiq fil Hadāiq, pp. 142, vol. 1*)

*Kiyūn na Qāsim ḥo kaḥ tū Ibn-e-Abī al-Qāsim ḥay*

*Kiyūn na Qādir ḥo kay mukhtār ḥay bābā tayrā*

(*Hadāiq Bakhshish Sharīf*)

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

## Karāmah (Ebyewuunyisa) 7 ebikwaata ku butoo bwe:

Abaange ab’olugaanda abasiraamu! Ghauš-ul-A’zam عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ الْأَكْرَمِ waffe, Walī munzaalirwa era kino kijulibwa ku Karāmah (byewuunyisa) ebyayolesebwa mu butoo bwe.

1. Maama wa Ghauš-ul-A’zam عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ الْأَكْرَمِ bwe yagaamba nga “الْحَمْدُ لِلَّهِ” oluvannyuma lw’okwaasimula, Ghauš-ul-A’zam عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ الْأَكْرَمِ yamwaanukulira mu lubuto nga agaamba: “يَرْحَمُكَ اللَّهُ”. (*Al-Haqāiq fil Hadāiq, p. 139*)
2. Sayyidunā Ghauš-ul-A’zam عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ الْأَكْرَمِ yajja mu nsi eno ku lwa Balaza (Mande), olusooka olwa Ramaḍān-ul-Mubārak ku saawa zamakya. Emimwa gye gyaali gitaambula mpola era yawulirwa nga agaamba, “اللَّهُ عَزَّوَجَلَّ, اللَّهُ عَزَّوَجَلَّ”. (*Al-Haqāiq fil Hadāiq, p. 139*)
3. Ku lunaku lwe yazaalibwa, abaleenzi 1100 bazaalibwa mu Jilān Sharīf era bonna bafuuka mikwaano gya Allah عَزَّوَجَلَّ. (*Tafriḥ-ul-Khāṭir, p. 15*)



4. Ghauš-ul-A'zam عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ الْأَكْرَمِ yasiiba olunaku olwasooka ku lunaku lwe yazaalibwa. Te yayoonka mata okutuusa lwe bwawuungeera. Yasiiba ennaku zonna ez'omweezi ogwo. *(Baĥjat-ul-Asrār, p. 172)*
5. Ghauš-ul-A'zam عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ الْأَكْرَمِ bwe yatuuzibwa ne Wali okugezesa okusoma kwe okusooka okwa “بِسْمِ اللَّهِ” ku myaaka etaano egyobukulu, yasoma “أَعُوذُ” ne “بِسْمِ اللَّهِ” era nasoma okuva ku kituundu (Juzu) ekisooka okutuusa ku kya 18 ekya Qurān Entukuvu. Wali ono yagaamba,” Mutabani! Geenda mu maaso nokusoma.” Yaddamu, “Kino kyoka kyena kwaata kubaanga maama wange naye yali akutte ekigero kino. Bwe nnali mu lubuto lwa maama wange, maama wange yasomanga okutuusa ku kituundu kya 18 kati nze nakwaata ekigero kino nga mmuwuliriza.” *(Al-Haqāiq fil Hadāiq, p. 140)*
6. Buli lwe yayagala okuzannya, yawuliranga edoboosi eryekusifu, ‘Owange ‘Abdul Qādir! Te twaakutoondera kuzannya.’ *(Al-Haqāiq fil Hadāiq, p. 140)*
7. Bwe yageendanga mu Madrasaĥ, eddoboosi lyawulirwa nga ligaamba, ‘Muviire mukwaano gwa Allah.’ *(Baĥjat-ul-Asrār, p. 48)*

*Nabawīmīnaĥ ‘alawī faṣl batūlī gulshan*

*Hasanī pĥūl Husaīnī ĥay mahāknaṯ tayrā*

*(Hadāiq Bakhshish Sharīf)*

صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ

## Karāmah kye ki?

Abooluganda basiraamu! Oluusi bwe tulowooza ku Karāmah (ebyewuunyisa) ezikolebwa mikwaano gya Allah عَزَّوَجَلَّ omuntu agwa mu waasiwaasi nga agezaako oku bilamula mu ntegeera ye era nabweekityo naabula. Jjukira! Karāmah kyewuunyo ekyeyawuliridde ennyo amagezi ag'obuntu kye gatasobola kutegeera, ekitegeeza; tekiyiinza ku kolebwa maanyi ag'obuntu. Ku lw'obuyinza bwa Allah عَزَّوَجَلَّ, ba Wali bafuna obuyinza okukola ebyewuunyo ebyo. Irhāṣ kyekyo ekyewuunyisa ekyenkizo ekikolebwa Nabbi nga tanaba kulaangirirwa bwa Nabbi bwe. Ekintu kye kimu ekitali kya buli jjo bwe kikolebwa Walī, olwo kiyitibwa Karāmah. Kiyitibwa Ma'ūnat bwekiba nga Mūmin (Mukkiriza) ya kikoze. Bwe kiba nga ekyewuunyo ekyo kikoledwa Omukaafiri oba omugyeemu owolwaatu, olwo kiyitibwa Istidrāj era bwe kibaawo nga kimwefuulidde kiyitibwa Îhānat. (*Bahār-e-Sharī'at*, pp. 56-58, vol. 1)

*'Aql ko tanqīd say furṣat nahī*

*'Ishq par a'māl kī bunyād rakh*

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

## Ghauṣ-ul-A'zam عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ الْأَكْرَمِ ajjawo ensiimbu:

Lumu omusajja yajja eri Sayyidunā Ghauṣ-ul-A'zam عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ الْأَكْرَمِ nagaamba nti mukyaala we yali alwadde ensiimbu. Ghauṣ-ul-A'zam عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ الْأَكْرَمِ yaddamu, 'Mwogerere mukutu nti Sayyidunā Ghauṣ-ul-A'zam عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ الْأَكْرَمِ alagira nti fuluma okuva mu Baghdad.' Olweekyo, yawonerawo mu kiseera ekyo. (*Bahjat-ul-Asrār*, pp. 140-141)

Omulaambo gw'omwaana

## Ensiimbu kika kya Jinni:

Aboluganda abasiraamu! A'lā Ḥaḍrat Imām-e-Aḥl-e-Sunnat Maulānā Shāḥ Imām Aḥmad Razā Khān عَلَيْهِ رَحْمَةُ الرَّحْمٰن agaamba: Ensiimbu bulwadde bubu nnyo obuyitibwa Ummuṣ Ṣibyān (obulwadde obuleeta okutaambulirwa okuyitiridde okwomubiri) abaana bwe babulwaala, awatali ekyo buyitibwa Ṣar' (ensiimbu). Okulaba kulaga nti obulwadde buno bwe bubaaawo mwaabo abali waansi w'emyaaka 25 buyinzika nnyo okuwonyezebwa; naye, kiyiinza okukira obutawonyezebwa eri ababulwadde kumyaaka 25 oba wagulu. Naye, busoboka okuwonyezebwa Karāmah̄ eya Walī oba Hirz. Ensiimbu, mu mazima, jinni ekyaamu, Sitaani ekijanya abantu.

## Endagiro y'okutaangira abaana ensiimbu:

Oluvannyuma lw'okuzaala omwaana, okulwaawo okumwaazinira kyekisiinga okuleeta ensiimbu. Naye nga munaazizza omwaana, okusoma Aẓān ne Iqāmat mu matu g'omwaana maangu ddala kija kumutaangira ensiimbu obulamu bwe bwonna إِنَّ شَاءَ اللَّهُ عَزَّوَجَلَّ

(*Mulfuzāt-Ā'lā ḥaḍrat, pp. 417*)

*Razā kay sāmnaḥ kī tāb kis mayn*

*Falak wār is pay tayrā ḡil ḥay Yā Ghauṣ*

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

## Oluzzi lwa Ghauṣ-ul-A'zam عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ الْأَكْرَمِ

Lumu mu Baghdad Sharīf, obulwadde obwa kawumpuli bwagwaawo era abantu nebataandika okufa olwa bwo. Abantu

ba Baghdad Sharīf bageenda eri Ghaus-ul-A'zam عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ الْأَكْرَمُ nebamusaba obuyaambi. Yababuulira nti,' Mulye omuddo mu malimiro agetoolodde Madrasah yange, era munywe amazzi okuva mu luzzi lwange, muja kuwona buli bulwadde.' Omuddo n'amazzi okuva mu luzzi byataandika okuwonya abantu okutuusa obulwadde obwo obwa kawumpuli bwe bwavaawo bwonna mu Baghdad era tebwa ddamu kubaawo. (*Tafriḥ-ul-Khāṭir*, p. 43)

Kyawaandikibwa mu 'Ṭabqāt-tul-Kubrā' nti Sayyidunā Ghaus-ul-A'zam عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ الْأَكْرَمُ yagamba: 'Oyo yenna eya taambula nayitako mu Madrasa yange, okubonerezewa kwe kuja kukeendeera ku lunaku lw'enkomerero.' (*Ṭabqā-tul Kubrā lil Sha'ranī*, p. 179) Tusaba Allah afukumule okusaasira kwe eri ye era kululwe atusonyiwe awatali kubalibwa.

*Gunāhaun kay amrāz ki bhīdawā do*  
*Mujhay ab aṭa hō shifā Ghaus-e-A'zam*

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

## Abagole aba bbikira mu mazzi gomugga

Sayyidunā Ghaus-ul-A'zam عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ الْأَكْرَمُ yali ataambula kulubalama lw'omugga n'alaba omukyaala omukadde ow'emwaaka 90 nga akaaba. Omu ku bagoberezi be (Murīd) yamutegeeza nti omukyaala oyo yali alina omwaana we omuggalaanda. Yali yakamuwasiza, naye abagole bwe baali baddayo ewaka, elyaato lyabbikira n'abagole. Newankubadde kati giri emyaaka 12 leero

okuva ekyo bwekyo gwaawo, ennaku ye tennaba kukeendeera, aja ku mugga guno buli lunaku nakaaba obuta saanga bagole be. Sayyidunā Ghauš-ul-A'zam عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ الْأَكْرَمُ yawulira ekisa eri omukyaala ono era nawanika emikono gye nasaba Allah, akaseera katono kaayita naye nga tewali kibaawo. Nga awulira akwatiddwako, ya buuza, 'Ayi Allah عَزَّوَجَلَّ lwaaki waliwo okukyeerewa?' Kyagaambibwa nti 'Owange omwagalwa! Okukyeerewa kuno teku wakanya kugera, tuba kwaagala, ensi n'eggulu byandibadde byatoondebwa ku kiragirowo kimu, naye olw'amagezi byatondebwa mu nnaku mukaaga. Gibade emyaaka 12 okuva abagole bwe babbikira, eryaato n'abasaabaze byonna tebiriwo, ebitoonde eby'enyaaanja biridde enyama y'abantu; ebituundu by'emibiri bi kunganyiziddwa era biteereddwa mu mibirii era kati y'essawa yaabwe okutuuka.' Ebigambo ebyo byali tebina gwaayo maangu ddala eryaato neri labika n'ebituundu byalyo byonna, abagole n'abaantu abaali nabo nebaseeyeyya okutuusa kulubalama lw'omugga. Abasaabaze b'eryaato eryo baageenda ewaka nga basanyufu oluvanyuma lwoku lamusibwa Sayyidunā Ghauš-ul-A'zam عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ الْأَكْرَمُ. Nga bawuridde ekwewunyisa kino, abatakkiriza baangi baasiramuka kumikono gya Sayyidunā Ghauš-ul-A'zam عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ الْأَكْرَمُ. (*Sultān-ul-Aẓkār fi manāqib-e-Ghauš-ul-Abrār*)

*Nikālā hay pahaly to dūbay hūon ko*

*Aur ab dūwbūtūn ko bachā Ghauš-e-A'zam*

*(Zauq-e-Na'at)*

صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ

## Omuntu ayinza okuzuukiza omufu?

Aboluganda abasiraamu! Obulamu n'okufa byonna mubukakafu biri wansi wakiragiro kya Allah عَزَّوَجَلَّ, naye Allah عَزَّوَجَلَّ bwaaba nga ayagala okuwa amaanyi ag'okuzuukiza eri abaagalwabe, kino sikizibu gyaali okukikola. Bwetufumiitirizaamu omuntu omulala atali Allah عَزَّوَجَلَّ nga azuukiza omufu, kino tekijja ku kosa bukiriza bwaffe. Omuuntu bwaaba nga azze gyoli nakubuzaabuza n'ebirowoozo ebikyaamu okuva eri Saitaani nti Allah عَزَّوَجَلَّ yekka yasobola okuzuukiza abafu, awo abeera awakanyizza enjigiriza ya Qurān Entukuvu. Kigaambiddwa mu bulaambulukufu mu Qurān nti Sayyidunā 'Īsā عَلَيَّهِ السَّلَامُ, yawonya abalwadde era nazuukiza abafu. Kigaambiddwa mu Sūrah Āl-e-'Imrān, ayaa eya 49 nti Sayyidunā 'Īsā عَلَيَّهِ السَّلَامُ, yagaamba:

وَ أُبْرِي الْأَكْمَهَ وَالْأَبْرَصَ وَأُحْيِي الْمَوْتَى بِإِذْنِ اللَّهِ

Era mponya oyo azaaliddwa nga muzibe, n'oyo owebigenge era nzuukiza abafu ku kiragiro kya Allah. [*Kanz-ul-Īmān (Enzivunnulwa ya Qurān)*]

Kisuubirwa nti endowooza eno enkyaamu emaze okujibwaawo, kubaanga omusiraamu alina okukkiriza okwenkomeredde mu buli kimu ekyogeddwa mu Qurān Entukuvu era takkiriza kintu kyonna eki koontana nayo. Allah عَزَّوَجَلَّ awa abaddu be abalondemu amaanyi agenjawulo era nga ayitira mu bbo alaga ebyewuunyo bingi ebisuka kuntegeera yaffe. Tewali kubuusuusa,

Omulaambo gw'omwaana

entegeera ey'abantu ab'ensi teyinza kutegeera komo lya maanyi gabaagalwa ba Allah.

## Okulaba kwo'munasayaansi

Albert Einstein amanyiddwa nga munasayaansi asiinga era agambye,' Ndabye galaxy nga nkozesa ekyuuma kya telesikooopu, eri obukadde 20 eby'emyaaka egyekitangaala okuva wetuli. Ekitangaala kitaambula ku supiiidi eya mayilo kakadde kamu (1) n'emitwaalo munaana mu kakaaga (86 thousand) buli katikitiki kija kututuuka ko mu myaaka obukadde 20. Sisobola kumanya nsalosalo yansi (universe) weeri newankubadde mpaangadde emyaaka bukadde na bukadde. Naye tunula ku ddaala ly'omwaagalwa wa Allah, Sayyidunā Ghauš-ul-A'zam عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ الْكَرِيمِ. Ye رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ ya yogera:

نَظَرْتُ إِلَى بِلَادِ اللَّهِ جَمْعًا      كَحَرْدَلَةٍ عَلَى حُكْمِ التَّيصالِ

'Ebibuga bya Allah عَزَّوَجَلَّ biri mu kulaba kwange nga akanyiinkuuli mu kibatu kyaange.'

A'lā Ḥaḍrat عَلَيْهِ رَحْمَةُ الرَّحْمَنِ agaamba:

كَرَّرْتُ عَلَيْكَ ذِكْرَكَ      وَرَفَعْنَا لَكَ ذِكْرَكَ

Bool balā ḥay tayrā zikr ḥay aūnchā tayrā

(Hadāiq-e-Bakhshish Sharīf)

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ      صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

## Ekibonerezo eri omutemu

Kino kyagwaawo mu India, ebbaanga ddene oluvannyuma lwa Ghauš-ul-A'zam عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ الْأَكْرَمِ okuva kungsi kuno, kiwulirize era ojaganye. Mu kiseera Ranjit Singh bweyali afuga India, waaliwo eyeyita omusiraamu eyali takiririza mu manyi gaba Wali ba Allah عَزَّوَجَلَّ. Yafuna obwagazi eri omukyala omu Hindu ngamufumbo. Lumu bbaawe yali amutwaala mu maka gabakaddebe obwaagazi nebuu sukkako era nataandika okubagobera ku mbalaasi.

Mu kiseera kitono, baatuuka mu kifo ekyeyawuliridde, abafumbo nga bali kubigere ng'omwaagazi esembera ku mbalaasi. Mu kugezaakao okulaga okusaasira yabasaba batuule emabegawe ku mbalaasi, naye bagaana. Omwaagazi yataandika okulemerako era nagaamba, 'Waakiri kkiriza mukyaala wo atuule mabega wange oba sikyo omukyaala omwaavu ono ajakukoowa.' Omusajja omuHindu yamanya ebigeendererwa ebikyaamu eby'omusajja oyo, era n'amusaba amugumye n'obukakafu nti ajakutwaala mukyaalawe gyayolekera nga tamutuusizaako kalabe konna. Yaddamu, 'Nyiinza ntya okukuwa obukakafu mukibira kino. Omukyaala yaddamu, 'Abasiraamu bakiririza nnyo mu Sayyidunā Ghauš-ul-A'zam عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ الْأَكْرَمِ, muwe ekyo ng'obukakafu.' Nawaankubadde yali takiririza mu Ghauš-ul-A'zam عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ الْأَكْرَمِ, ngayeloolereza nti teri kijakutuukawo kibi nga akkiriza, yakkiriza. Mangu ddala nga omukyaala arinye ku mbalaasi, omutemu yasalako ensiingo yabbaawe n'ekiso naddusa embalaasiye mubwaangu bweyasobola.



Omukyaala ono yanakuwala nnyo era yasigala nga atunula emabega. Omwaagazi yamugaamba nti tajja kufunamu kintu kyonna nga atunudde emabega kubaanga bbaawe tasobola kukomawo. Omukyaala yagaamba, 'Ndi mukulaba kabaka wa ba Wali.' Nga awulidde kino, omwaagazi yaseka n'agaamba, 'Kabaka wa ba Wali yafa emyaaka mingi emabega; osobola otya okumulaba kati?' Mangu ddala nga yaka kyogera abasajja abakadde babiri balabikawo; omukubbo natta omwaagazi ono. Nebamala nebaleeta omukyaala n'embalaasi mukifo bbaawe bweyali agalamidde nga mufu. Omu kubasajja nakwaata omutwe, naguzzako kubibegaabega nagaamba, 'Golokoka ku kiragiyo kya Allah عَزَّوَجَلَّ' Mukiseera ekyo omusajja yazuukira nalamuka. Oluvannyuma lwekyo, abasajja abakadde nebabulawo. Bba n'omukyaala baddayo ewaka ku mbalaasi eyo. Aboluganda b'omutemu omwagazi bamanya embalaasi eno, era bawaabira abafuumbo bano mu kooti ya Ranjit Singh, nga bagaamba nti nga bwebalina embalaasi ate ng'omusajja waabwe yali abuze balina okuba nga bamusse. Abafuumbo abo ngabazze mu kooti bayogera kiki ekyaliwo munsiko. Bagaamba nti omu kubakadde yali afaanana omwaatikirivu Majzūb<sup>1</sup> Gul Muhammad Shah Sahib. Ekkooti yasaba Gul Muhammad Shah ajje era najja, yannyonnyola ebyaali biguddewo kigaambo ku kigaambo mu kkooti. Buli omu mu kkooti yewuunya nnyo okuwulira ekyewuunyisa kino ekya Sayyidunā Ghauš-ul-A'zam عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ الْأَكْرَمِ.

---

<sup>1</sup> Majzūb yemuntu abbinkidde ennyo mu kujukira Allah era nalekeraawo okuwulira ebimweetolodde

Omusaango bagugoba era bombiriri nebateebwa ate Ranjīt Singh n'abawa ebirabo n'ebitibwa. (*Al-Haqāiq fīl Hadāiq*, p. 95)

*Al-Amān qaḥār ḥay ay Ghauš woḥ tikhā tayrā*

*Mar kay bhīchain say sautā nahīmārā tayrā*

(*Hadāiq Bakhshish Sharīf*)

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

## Okwelooterera emirundi 70

Omu kubayigirizwa ba Sayyidunā Ghauš-ul-A'zam عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ الْأَكْرَمُ yafuna okwelooterera ku bakazi ab'enjawulo mukiro kimu. Oluvannyuma lw'okunaaba kwa Ghusulu, yageenda alabe Murshid we Sayyidunā Ghauš-ul-A'zam عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ الْأَكْرَمُ amutegeeze kukyaabaddewo ekiro ekiyise. Nga tannaba kwogera kintu kyonna, Sayyidunā Ghauš-ul-A'zam عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ الْأَكْرَمُ yekennyini yagaamba, 'Tonakuwala kwekyo ekyabaddewo ekiro kyajjo. Natunudde ku Loḥ-e-Maḥfūz (Olubaawo Olutukuvu); wabadde ogereddwa okweenda ku bakazi 70 ab'enjawulo. Nolweekyo nasabye Allah عَزَّوَجَلَّ akyuuse mukugerakwo akutaase ebibi bino. Olweekyo, ebyobyabaddewo mungeri y'okwelooterera.'

(*Bahjat-ul-Asrār*, p. 193)

*Tayray ḥāth mayn ḥāth mayn nay diyā ḥay*

*Tayray ḥāth ḥay lāj Yā Ghauš-e-A'zam*

(*Zauq-e-Na'at*)

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

## Ebigaambo bya Ghauš-ul-A'zam عليه محمد الله الأكرم

Aboluganda abasiraamu! Mukino tuyigamu nti tulina okubeera abagoberezi (Muriidi) aba Murshid-e-Kāmil (Wali omutuufu). Ebibi bikomekkerezebwa kukufaayo okwa Murshid era oluusi ebibi ebinene bifuukamu ebitono. Kyawandikiddwa mu Bahjat-ul-Asrār nti Wali waaba Wali, Sayyidunā Ghauš-ul-A'zam عليه محمد الله الأكرم yagamba, 'Mpeereddwa olukalala olunene olurimu amannya g'emikwaano gyange n'abagoberezi bange abanajja okutuusa ku lunaku olwenkomerero, era ngambiddwa nti abantu bano bankwaasiddwa. Agamba, nnaabuuza omukuumi w'omulyango gw'omuliro, Sayyidunā Malik, 'Waliwo omugoberezi wange yenna ali mu muliro? Yaddamu, "Nedda". Ghauš-ul-A'zam عليه محمد الله الأكرم namala nagaamba," Ndayira Allah nti omukono gwange omuyaambi gujja kukuuma abagoberezi bange mungeri y'emu eggulu bwe li kuuma ensi. Newankubadde abagoberezi bange si baloongoofu, nze ndi muloongoofu era ndayira oyo eyantoonda nze sija kuva mu maaso ga katoonda wange okutuusa nga buli mugoberezi wange ayingidde ejjana. (*Bahjat-ul-Asrār, p. 193*)

*Murīdaun ko khaṭrah nahiḃahrg zag-e-gham say*

*Kay bayṛay kay nākhudā Ghauš-e-A'zam*

*(Zauq-e-Na'at)*

صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ

## Karāmah ey'enjawulo:

Abul Muẓaffar Hassan eyali musuubuzi yajja eri Sayyidunā Shaykh Ḥammād عليه رَحْمَةُ اللَّهِ الْجَوَاد namugaamba nti, Ow'ekitiibwal' Ngenda mu Busiiri (Syria) okusuubula. Nkusaba onsabire.' Sayyidunā Shaykh Ḥammād عليه رَحْمَةُ اللَّهِ الْجَوَاد yaddamu, Sazaamu enteekateeka yo ey'olugendo luno, kubaanga bwogeenda ababbi bajjakutwaala ebintu byo era bakutte.' Nga awulira kino, omusuubuzi yanakuwala nnyo era ng'addayo ewaka yasisiinkana Sayyidunā Ghauš-ul-A'ẓam عليه رَحْمَةُ اللَّهِ الْأَكْرَم eyamubuuza, 'Lwaaki olimunakuwavu? Abul Muẓaffar yannyonnyola ebibaddewo byonna. Ghauš-ul-A'ẓam عليه رَحْمَةُ اللَّهِ الْأَكْرَم yaddamu, 'tonakuwala, yolekera Syria buli kimu kijja kubeera bulungi.' Nolweekyo yayolekera Syria, era okusuubula nekubeera kw'amagoba mangi nnyo. Yakomawo mukibuga kya Syria ekya 'Halb', nekisawo eky'ebinusu 1000 ebya zaabu (golodi).

Mububi, yabuza ekisawo eky'ebinusu era mubunakuwavu neyebaka. Yaloota ekirooto eky'entiisa ennyo mukyo nga ababbi bamuluumbye, batutte ebintu byonna era nebamutta. Yazuukuka nga atidde nnyo naye yalaba nga tewali mubbi noommu kumpi naye. Mangu ddala yajjukira nweyali atadde ekisawo kye ek'ebinusu; yageendayo mukiseera ekyo era nakisaanga.

Bwe yakomawo mu Baghdad Sharif nga musanyusfu, yewuunya okusooka okusisiinkana Ghauš-ul-A'ẓam عليه رَحْمَةُ اللَّهِ الْأَكْرَم oba Shaykh Ḥammād. Ekyomukisa, mulugeendo lwe ng'addayo, yasisiinkana Sayyidunā Shaykh Ḥammād عليه رَحْمَةُ اللَّهِ الْجَوَاد eyamugamba nga'amulabye,

Omulaambo gw'omwaana

'Sooka ogende osisiinkane Ghauš-ul-A'zam عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ الْأَكْرَمِ, yakusabidde emirundi kumi namusaanvu Allah عَزَّوَجَلَّ ekyuuse okugerekerwa kwo okuva kwekyo kyenabadde ndabye. Kulw'emikisa gy'okusaba kwa Ghauš-ul-A'zam عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ الْأَكْرَمِ, Allah yachuusizza ekyandibadde kikutuukako mumazima nekirooto.' Omusuubuzi yagenda eri Sayyidunā Ghauš-ul-A'zam عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ الْأَكْرَمِ. Ng'amulabye, Ghauš-ul-A'zam عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ الْأَكْرَمِ yamutegeeza, 'Amazima nakusabidde emirundi kumi namusaanvu'. (*Bahjat-ul-Asrār*, p. 64) Tusaba Allah عَزَّوَجَلَّ afukumuke okusaasira kwe eri ye era kululwe atusonyiwe awatali kubalibwa.

*Gharz Āqā say karūn 'arḍ kay tayrī ḥay panāḥ  
Bandaḥ majbūr ḥay khāṭir pay ḥay qabzah tayrā  
(Hadāiq Bakhshish Sharif)*

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ      صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

## Yataasibwa ebibonerezo by'omuntaana (Kaburi)

Lumu omuvubuka emunakuwavu yajja eri Sayyidunā Ghauš-ul-A'zam عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ الْأَكْرَمِ nagaamaba, 'Owekitiibwa! Ekiro kyajjo, nalabye kitaange omugeenzi mukirooto era nangaamba, 'Mutabani! Ndi mukubonerezebwa muntaana; geenda ewa Sayyidunā Ghauš-ul-A'zam عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ الْأَكْرَمِ omusabe ansabire.' Bweyawulira kino, Sayyidunā Ghauš-ul-A'zam عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ الْأَكْرَمِ yabuuza omuvubuka ono, 'Ttaata wo yala ataambudde ko kumpi ne Madrasaḥ yange?' Yaddamu, 'Iyye' Sayyidunā Ghauš-ul-A'zam عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ الْأَكْرَمِ

yasiriikirira era omuvubuka naddayo ewaka. Okunaku olwaddako yakomawo nga musanyufu era nagaamba, 'Owange mukwaano gwa Allah عَزَّوَجَلَّ, nalabye kitaange mukirooto, yabadde ayambadde olugoye olwakirigala era nga musanyufu nnyo, yangambye, 'Kulw'okusaba kwa Sayyidunā Shaykh Abdul Qādir Jīlānī قَدِيسٌ سِيدُهُ الثَوْرَانِي, ebibonerezo by'omuntaana biwedde era mpeereddwa olugoye luno olwakirigala. Mutabani wange! Sigala ng'oweereza Ghauš-ul-A'zam عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ الْأَكْرَمِ. Ng'awulidde kino, Sayyidunā Ghauš-ul-A'zam عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ الْأَكْرَمِ yagamba, 'Katonnda wange yansuubiza nti okubonerezebwa kukeendera eri omusiraamu ayitako kumpi ne Madrasah yange'. (*Bahjat-ul-Asrār*, p. 194)

*Naz' mayn, gaur mayn, mīzān pay sar-e-pul pay kahīn*

*Na chūtay hāth say dāmān-e-mu'allā tayrā*

*(Hadāiq Bakhshish Sharīf)*

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ      صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

## Ebiwoobe eby'omufu

Lumu abantu abamu bajja eri Sayyidunā Ghauš-ul-A'zam عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ الْأَكْرَمِ ne bagaamba, 'Owange mukwaano gwa Allah tuwulidde ebowoobe okuva muntaana ey'omu limbo ya Bāb-ul-Azj. Owekitiibwa! Tukusaba ofukumuke okugabirirwaako mungeri emu ebibonerezo bye biveewo. Yabuuza abantu, Yali omu ku bayigirizwa bange?' Abantu baddamu, 'Tetumanyi.' Nabuuza 'Yali azeeko gyendi?' Baamu tegeeza nti tebalina kyebamanyi kwekyo.

Omulaambo gw'omwaana

Yababuuza, 'Yali aliddeko emmere yange?' Baamutegeeza nti tebalina kyebamanyi kwekyo nakyu. Yamala nabuuza, 'Yali asaaliddeko mabega wange?' era abantu nebamuddamu mungeri yemu. Sayyidunā Ghauš-ul-A'zam عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ الْأَكْرَمِ yassa omutweegwe wansi era obubonero bw'okutya n'amaanyi bwaalabwa. Oluvannyuma lwakaseera katono, yagaamba nti bamalayika bangambye, 'yakulaba era yakukkiririzaamu, nabweekityo Allah amusaasidde.' Ebiwoobe ebiva muntaana byaggwaawo kulweekyo. (*Bahjat-ul-Asrār, p. 194*)

*Bad saḥī, chaur saḥī mujrim-o-nākārah saḥī*

*Ay woḥ kaysay ḥī saḥī ḥayto karimā tayrā*

*(Ḥadāiq Bakhshish Sharīf)*

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

## OKUMULISA KWA SUNNAH

Ku lw'okusasira kwa Allah ﷻ !, eSunnah nyingi zi yigibwa era zi-somesebwa mu mbeera ya Madani eya Dawateislami, ekubina ekubura Qur'an ne Sunnah muni yonna era ekitali kya politikisi. Kuno kusaba kwa Madani ni mwetabire mu ijtimah ezaagazisa Sunnah ezi baswo buli wiliki oluvannyuma lwa Maghrib buli Lwaakuna mu kibuga kyo, (mu Kololo Jamia Masjid, [Kampala]) n'enriya ey'okufuna okusimbwa kwa Allah ﷻ. Ne Niyah ey' okufuna empeera, kiteeke mu puruguramu zo okutaambula ne Madani Qafilah ezi kubiriza okukolera ku Sunnah, na'baagazi b'Omufume ﷺ. Jijuzamu akatabo ka Madani In'amaat buli lunaku ng'okola Fik-e-Madinah era okaweeyo eri oyo Zimmadar (avunaanyibwa kubutabo obwo owa Dawateislami) mukitoo kyo. Emikisa n'obulungi ebiri mu kino; ojakufuna endwooza n'obwaagazi oba okujazayanira okukolera ku Sunnah, okutamwa ama-zaambi n'okukuuma obukkirizaabwo, **إِنْ قَسَّاتُمْ عَارِضَ**. Buli owoluganda omusiraamu ayina okufuna endwooza eya Madani ni: "Nirina oku-lafubana okwelongoosa nze sekinnoomu n'abantu b'ensi yonna, Oku-longoosa emyooyo gyate, tuyina okukolera ku Madani In'amaat ate oku-longoosa abantu b'ensi yonna, tuyina okutaambula ne Madani Qafilah **إِنْ قَسَّاتُمْ عَارِضَ** ."



[www.dawateislami.net](http://www.dawateislami.net)



MC 1298

Aalami Madani Markaz, Faizan-e-Madinah, Mahallah Saudagaran  
Purani Sabzi Mandi, Bab-ul-Madinah, Karachi, Pakistan.

UAN: +92 21 111 25 26 92 | Ext: 1262

Web: [www.dawateislami.net](http://www.dawateislami.net) | E-mail: [translation@dawateislami.net](mailto:translation@dawateislami.net)